EDDOBOOZI

EDDOBOOZI LYA MAPEERA NE AMANSI

"Okwaza Ekitiibwa kya Katonda n'Okugaziya Obwakabaka Bwe"

No. 5. May-July 2016, 1000/=

Ebirimu

1. Ennyanjula
2. Eky'okwebuulirirako: Okuyigiriza kwa Paapa e Namugongo nga 28 November 2015
3. Ekyoto: Mapeera n'obusiru bw'Omusaalaba
4. Agawano na wali
5. Ebijja mu maaso
6. Amasomo mu Missa nga 12 May 2016
7. Amawulire mu bifaananyi

EDDOBOOZI LYA MAPEERA NE AMANSI
P. O. Box 28712, Kampala - Uganda
Email: eddoboozi2014@gmail.com
Tel: +256 753 877433

1. Ennyanjula

Akatabo kaffe akaasemba kaafuluma ku mukolo ogw'okuggulawo Mapeera-Nabunnya Pilgrimage Centre omwaka oguwedde. Twebaza Omukama olw'omukolo ogwo okutambula obulungi era twebaza ne Vicar General, Mgr Charles Kasibante, eyakikirira Ssabasumba. Banna-MAB-PRO mwenna mwakola omulimu ogw'ettendo. Mwebale nnyo! Senta (Centre) yaffe kati entambula era twebaza nnyo Sr. Boniconsilii akola obutaweera okufuula ekifo ekiweesa ekitiibwa Bajjajjaffe mu kukkiriza era nga kati ali mukuzzaawo lusuku lwa Mapeera!

Tufulumizza akatabo kano nga tujjukira okufa kwa Mapeera kati emyaka 126. Omulamwa kwe tutambulidde omwaka guno gugamba nti: **"Ekitiibwa kyo nkibawadde babeere kimu"**. Omulamwa guno gwe twajje mu Vanjili y'olunaku lwaleero gutuzzaayo ku nsonga enkulu eyaleeta kuno Mapeera nga bwe yakirambika obulungi mu kiraamo kye nga tanava mu Algiers okujja eno. Kale tugwebuulireko ate naddala ffe aba MAB-PRO nga tugukwatanganya ne Motto yaffe: **"Okwaza ekitiibwa kya Katonda n'okugaziya Obwakabakaka bwe."**

Nga tujjukira okufa kwa Mapeera ate naddala mu kifo wennyini we yafiira, tujjukire n'abaminsani banne, Pere Denoit Camille (1862-1891) ne Frera Pierre Tartyere (1863-1891), nabo abaafiira mu kifo kino kyennyini nga wakayita omwaka gumu, mu mwezi gwe gumu ogwa Maayi era ne baziikibwa kumpi naye. Frera Pierre yafa nga 1 May 1891 ate Pere Denoit n'afa nga 25 May 1891. Bano bombi nabo ebisigala byabwe biri Nabulagala gye byaziikibwa nga 27 October 2015. Nga Mapeera nabo bawaayo obulamu bwabwe olw'okubeera ffe. Tubeebaza era ne tusaba Omukama abawe empeera ebasaanidde. (Mu mwezi guno ne Kabaka Mwanga mwe yafiira nga 11 May 1901 mu bizinga bya Seychelles.)

Tuli mu mwezi Bajjajjaffe Abajulizi ba Uganda mwe basalirawo okujulira n'omusaayi okukkiriza kwe bafuna okuva ku Mapeera, Amansi ne bannaabwe. Mu katabo kano tutaddemu enjigiriza ya Kitaffe Omutukuvu Paapa Francis ku Bajulizi baffe luno juuzi lwe yali e Namugongo etuyambe okwetegekera obulungi okulamaga kw'Omwaka guno. Maama Maria gwe tukowoola mu ngeri ey'ejawulo omwezi guno ogwa Maayi, twongere okumukwasa ensi yaffe nga Bajjajjaffe bwe baakola ku ntandikwa y'obutume bwabwe, agiwolereze ebeemu **'amazima aganatuufula ab'eddembe'**. Tubagaliza okulamaga okulungi e Namugongo ne Nabulagala!

Omukungaanya

2. EKY'OKWEBUULIRIRAKO

Okuyigiriza kw'Omutukuvu Paapa Francis e Namugongo nga 28 November 2015

"Kyokka Mwoyo Mutuukirivu bw'alijja ku mmwe, muliweebwa amaanyi. Era mulimmanyisa mu Yeruzaalemu, ne mu Buyudaaya bwonna, ne mu Samariya, n'okutuusiza ddala ensi gy'ekoma." (Bikolwa 1:8).

Okuviira ddala mu budde bw'Abatume n'okutuusa kati mu biseera byaffe, wazze wabaawo ebbinja eddene ennyo ery'abajulizi (witnesses) abalangirira Yezu era nga boolesa amaanyi ga Mwoyo Mutuukirivu. Olwaleero, mu mutima ogw'okwebaza, tujjukira ekitambiro (sacrifice) ky'Abajulizi ba Uganda olw'okwagala kwabwe eri Kristu n'Eklezia era ggwe wamma obujulizi buno butuukidde ddala n'ensi gy'ekoma. Tujjukira n'Abajulizi Abakristaayo (Anglican Martyrs) era ng'okufa kwabwe olw'okubeera Kristu kikakasa obumu bw'Abakristu mu musaayi (ecumenism of blood). Abajulizi bano bonna baalikiriza (nurtured) ekitone kya Mwoyo Mutuukirivu mu bulamu bwabwe era ne basobola okujulira okukkiriza kwabwe mu Kristu nga tewali abawaliriza, n'okutuusa okuwaayo obulamu bwabwe, so nga bangi mu bo baali bakyali mu myaka mito ddala.

Naffe twafuna ekitone kya Mwoyo, si kutufuula baana ba Katonda kyokka naye n'okutuwa obuvunaanyizibwa okujulira Yezu n'okumumanyisa wonna era n'okumwagazisa. Twafuna Mwoyo bwe twazalibwa obuggya mu Batismu era netunywezebwa n'ebitone bye bwe twafuna Kofirmasio. Kale nno, buli lunaku kitukakatako okunnyikkiza (to deepen) ekirabo kya Mwoyo Mutuukirivu mu bulamu bwaffe n'okukuma (n'okuwujja –to fan into flame) ekitone kye eky'okwogala okutukuvu tulyoke tube ensulo y'amagezi (source of wisdom) n'amaanyi eri bantu bannaffe abalala.

Ekitone kya Mwoyo Mutuukirivu kitone ekirina okugabanyizibwako. Ekitone kino kitugatta ng'abakkiriza era ng'ebitundu ebiramu eby'omubiri gwa Kristu. Tetufuna kitone kya Mwoyo ku lwaffe ffekka, wabula tukifuna okuzimbangana mu kukkiriza, mu kusuubira ne mu kwagala. Wano ndowooza ku batuukirivu Yozefu Mukasa ne Karooli Lwanga, abo amangu ddala nga bamaze okuyigirizibwa Katekismu, ate n'abo abayagala okugabanyizako abalala ku kirabo kino. Kino baakikola mu budde obuzibu ennyo era obwakazigizigi.

Si bulamu bwabwe bwokka bwe baali bateeka mu katyabaga naye n'obulamu bw'abo abavubuka be baali bakulira awamu n'okulabirira. Olw'okubanga baali balabiridde (to tend) bulungi okukkiriza kwabwe era nga bannyikkiza okwagala Katonda, tebaalina kutya okutwala Kristu eri abalala, newandibadde nga kyali kitegeeza kuwaayo bulamu bwabwe. Okukkiriza kwabwe kwafuuka bujulizi era olwaleero okubassaamu ekitiibwa ng'Abajulizi, eky'okulabirako kyabwe kikyasikiriza n'okuyigiriza abantu bangi mu nsi yonna. Bakyagenda mu maaso okulangirira Yezu Kristu n'amaanyi g'Omusaalaba gwe.

Kale, singa naffe ng'Abajulizi, tukuma (fan into flame) mu kitone kya Mwoyo ali mu mitima gyaffe, tewali kubuusabuusa nti tujja kufuuka abayigirizwa-abaminsani (missionary disciples) Kristu bayagala tubeere, eri abenganda zaffe, mikwano gyaffe era n'abo betutamanyi ate naddala abo abatali mikwano gyaffe ob'olyawo nga n'abamu beetwala okuba abalabe baffe. Empisa eno eyaniriza buli omu etandikkira mu maka gaffe eyo gyetusookera okuyiga ekisa n'okusonyiwa, era obusaasizi bwa Katonda n'okwagala kwe gye tubimanyira nga biyita mu kwagala kw'abazadde baffe. Empisa eno eyaniriza bonna awatali kusosola era erabikira mu kubudabuda abakadde n'abaavu, bannamwandu ne bamulekwa.

Nga maama n'ab'oluganda omusanvu mu Kitabo ekyokubiri ekya Bamakabeewo bwe bagumyagana mu kaseera ak'okugezebwa ennyo (7:1-2. 9-14), naffe ng'ab'amaka ga Katonda tulina okuyambagana, okukuumagana, n'okuwerekeragana okulaga mu bulamu obujjuvu. Wano ndowooza n'omutima ogwebaza: abasumba, abasaseredooti, bannaddiini abakazi n'abasajja, n'abasomesa b'eddiini – abeewaayo mu ngeri ezitali zimu okuyamba amaka amakristu. Nkubiriza Eklezia mu nsi eno okugenda mu maaso, naddala ng'eyita mu bigo (parishes), okuyamba abavubuka okwetegekera obufumbo awamu n'okugumya abafumbo okunywerera ku biragaano

by'obufumbo bwabwe mu kwagala n'obwesigwa; era n'okuyamba abazadde mu buvunaanyizibwa bwabwe ng'abasomesa b'okukkiriza abasooka ab'abaana baabwe.

Ng'Abatume n'Abajulizi ba Uganda abatukulemberamu, naffe twafuna ekitone kya Mwoyo Mutuukirivu okufuuka abayigiriza-Abaminsani abayitibwa okutwala amawulire amalungi eri abantu bonna. Obw'olumu kino kiyinza okututwala ku nkomerero y'ensi ng'abaminsani mu mawanga, mu nsi ezebunaayira. Kino kyetagisa okugaziya Obwakabaka bwa Katonda era mbasaba okuddangamu omulanga guno n'omutima gwonna. Naye, tetwetaaga kutambula kugenda bunaayira okusobola okubeera abayigirizwa-abaminsani. Mu mazima, tulina kuggula maaso gaffe okulaba obwetaavu mu maka gaffe ne mu bitundu gyetuwangaalira n'okulaba emikisa egitulindiridde okutuukiriza obuminsani obwo.

Mu kino era Abajulizi ba Uganda batulaga ekkubo. Okukkiriza kwabwe kwanoonyanga bulungi bw'abantu bonna ng'omwo mw'otwalidde ne Kabaka eyabasalira omusango ogw'okuttibwa olw'okukkiriza kwabwe okukristu. Eky'okuddamu kwabwe kyali kuteeka kwagala awo awaali obukyaayi (hatred) era mu ngeri eyo ne balaga ekitangaala ky'Evanjili. Tebategeeza Kabaka ekyo kyokka Evanjili kye yali egaana naye era baalaga mu bulamu bwabwe kiki kye kitegeza okugamba Yezu nti 'yee'. Kino kitegeeza busaasizi, butukuvu mu mutima, buteefu na bukakamu mu mwoyo, kuba na nnyonta ya bwenkanya na butuufu, mu suubi ly'empeera etaggwaawo.

Obujulizi bw'Abajulizi bulaga bonna abawulira ebyafaayo byabwe, mu biseera ebyedda n'ebyaleero nti eby'amassanyu g'ensi eno n'obuyiza bw'ensi tebireeta ssanyu na mirembe bya lubeerera. Abajulizi batulaga nti ebireeta emirembe ensi gyetayinza kuwa bye bino: kunywerera ku Katonda, obwesigwa n'obwesiimbu, n'omutima ogufa ku bulungi bw'abalala. Kino tekitulobera kufaayo ku nsi eno gye tulimu, netulowooza ku bulamu obujja bwokka. Wabula kino kitulambika ne kituwa omulamwa gw'obulamu bwaffe ku nsi eno era ne kituyamba okugenda eri abali mu bwetaavu, okukwatira awamu n'abalala ku lw'obulungi bw'ensi (common good), n'okuzimba eggwanga eririmu obwenkanya era erikuza ekitiibwa ky'obuntu, eritaasa ekitone kya Katonda eky'obulamu, erikuuma amakula g'obutonde bw'ensi amaka gaffe ffenna (our common home).

Baganda bange ne bannyinaze abagalwa, eno ye nnono gye mwafuna okuva mu Bajulizi ba Uganda – obulamu bwabwe bwaliko akabonero ka Mwoyo Mutuukirivu, obulamu obwo bukyajulira n'okutuusa kati amaanyi g'Evanjili ya Yezu Kristu. Ennono eno tegasa kugyijjukira bwa lumu oba okugiteeka mu tterekero ery'ebikadde (museum) ng'ejjinja ery'omuwendo. Nedda! Wabula Abajulizi bano tubassaamu ekitiibwa, nga bwe tukola ku batuukirivu abalala, buli lwe tutwala mu maaso okujulira Kristu nga bwe baakola, mu maka gaffe ne kumiriraano, mu bifo gyetukolera na wonna wetubeera, ka tube nga tetuvudde waka waffe oba ka tube nga tugenze ku nkomerero y'ensi.

Tusabe Abajulizi ba Uganda awamu ne Maria, Nyinna w'Eklezia, batuwolereze, era tusabe ne Mwoyo Mutuukirivu atukoleezemu omuliro ogw'okwagala kwe okutukuvu!

Omukama Abawe Omukisa!

****

3. EKYOTO ……. EKYOTO

Mapeera n'Omusaalaba

Ekifaananyi oba ekisiige kya Pere Mapeera ekitaliiko musaalaba tekijjaayo bulungi Mapeera Bannayuganda gwe bamanyi nga jjajjaabwe mu kukkiriza, eyasomesa Abajulizi bebeenyumirizamu ennyo!

Abakristu b'ekifo ky'e Lubaga Cathedral balina enkola etutte ebbanga nga buli Lwakutaano Olutukuvu batandika Ekkubo ly'Omusaalaba okuva wali e Nabunnya mu kifo Mapeera we yafiira era n'aziikibwa mu 1890, nebalimaliriza mu Luttiko. Enkola eno etusoomooza okwebuulirira n'okwefumintiriza ku makulu jjajjaffe Mapeera ge yalina mu Musaalaba gwa Kristu. Mu Kyoto kyaffe eky'omulundi guno katuwulire ebimu ku bigambo bye ku Musaalaba guno.

***

"Ngenda okuleka ensi yange okugenda okuyigiriza Abaddugavu b'omu Afrika Evanjili. Tewali kubuusabuusa nti nessunga nnyo okutuukiriza ekigambo kino naye Katonda bwaba ayagadde okumpita nga sinakituukiriza, kale kibe, anti ng'okwo kwe kunaba okusiima kwe. Era sisuubira kuwangalirayo kussuka myaka kkumi! …..Ekyo abamu kibalowoozesa nti ndi musiru era ekyo kituufu naye obusiru obw'Omusaalaba!" (Okuva mu kitabo kya Fr. Nicq "Le Père Lourdel")

***

(Bino bivudde mu bbaluwa gyewandikira bazadde be nga Sunday ya Trinita Omutuukirivu enetera okutuuka mu 1873, ng'addamu abo abali bamuyita omuggwi w'eddalu!)

"Kisoboka okubeera ekisekererwa kya buli omu olw'okugenda ng'obategeeza nti osazeewo okumala obulamu bwo bwonna ng'olangirira obulokofu bw'abantu; bakutwala okuba omuggwi w'eddalu. Kituufu ddala, tuli baggwi ba ddalu, naye ng'eddalu lino, ng'Evanjili bw'engamba, ddalu lya Musaalaba. Ha! Essanyu lye nandibadde lyo singa abantu bonna babadde n'obulwadde buno! Nga sinaba kulinnyisibwa ku ddaala erisooka ery'emiruka emikulu, muli mpulira obwetaavu obw'okubeebaza mwenna olw'ebyo bye munkoledde. Mwe muddirira Katonda ku lukalala lw'abo benteekwa okwebaza. Abazadde nga mmwe abasosowaza bulijjo ekitiibwa kya Katonda n'obulungi bw'omwoyo obw'abaana baabwe, tebabala ku miti! Mu mazima sirina kyennyinza kubasasula kisaanidde; Katonda

yekka yalibasasula ebbanja lyange eryo, era mbakakasa temujja kufiirwa mu kuwanyisiganya kuno. Ndowooza mbayigiriza ekimala kye sisaanidde kukola anti nkyali museminario buseminario atanaba na kusalwa tonsuula. Nze abalamusa ennyo, mutabani wammwe nnantagololwa, Simoni Lourdel."

***

4. AGAAWANO NA WALI

Okuggulawo Mapeera-Nabunnya Pilgrimage Centre (MNPC)

Nga 20 December 2015, Senta yaffe eno yaggulwawo mu butongole Vicar General wa Kampala, Mgr Charles Kasibante eyakikkirira Ssabasumba. Olunaku lwali lwa Sunday era twatandika n'Ekitambiro kya Missa. Kwaya ya St. John Bosco okuva e Nabulagala ye yatukulembera mu nnyimba. Mu bagenyi abajja mwalimu: Nnankulu w'Abasista ab'Omusamariya Omulungi (Good Samaritans Sisters), Rev. Sr. Matthew, Ssabakristu wa Mapeera-Nabulagala Parish, Omw. Samuel Lukwago, Ow'ekitiibwa Paul Kawanga Ssemwongerere ne mukyala we n'abalala. Twebaza bonna abaaliwo ku mukolo guno awamu n'abo abatuwa obuyambi okufuna eby'etagisa mu senta eno.

Buli mwezi ng'ennaku z'omwezi kkumi na bbiri (12), tuba n'Ekitambiro kya Missa ku Senta ku ssaawa kkumi na bbiri ez'akawungeezi.

Ofiisi y'Omuwandiisi eba nzigule okuva ku **Lwokusooka** okutuusa ku **Lwokutaano** essaawa 3.00 ez'enkya okutuusa 11.00 ez'akawungeezi. Ate ku Lwomukaaga okuva ku ssaawa 3 ez'enkya okutuusa ku ssaawa 7 ez'emisaana.

Ebisingawo kuba ku simu eno: 0392001448, oba tuwandiikire ku P. O. Box 14187 Mengo-Kampala, Uganda; oba ku email eno: mapeeranabunnya@gmail.com oba genda ku Website yaffe: mapeeraandamans.org

Okulamaga e Kigungu

Omwaka guno okulamaga e Kigungu kwaliwo ng'enkeera kwe kulonda kwa bonna. Omusumba w'Essaza ly'e Kiyinda Mityana, Rt. Rev. Athony Joseph Zziwa, ye yakulembera Ekitambiro kya Missa. Abasumba bonna ab'amasaza agali mu 'Kampala Ecclesiastical Province', okujjako, Kasana-Luwero, baaliwo era ne kilangirirwa nti okuva kati buli ssaza mu masaza gano linabanga n'oluwalo lwalyo era omwaka ogujja essaza ly'e Masaka lye liritukulemberamu. Tukulisaayo nnyo abalamaga kw'olwo ate n'abo abeetaba mu Novena eyakulemberamu okulamaga okwo n'okusomesa ku bikwata ku Bajjajjaffe Mapeera ne Amansi ne bannaabwe.

Okulamaga e Kitebi

Nga kati bw'eri nkola, okulamaga kw'e Kitebi kubaawo nga 21 February lube lwa Sunday oba lunaku lwerere. Omwaka guno lwali lwa Sunday era newandibadde embeera y'ebyokwerinda yali etiisa olwa vvulugu eyali mu kulonda, okulamaga kwaliwo era ne kutambula bulungi! Omutambizi omukulu yali Rev. Fr. Gerald Mukwaya okuva e Masaka era ne Mgr. Charles Kimbowa teyalutumirwa mwana. Fr. Gerald kw'olwo yajja n'akatambi ke yakafulumya okuli ennyimba bbiri – n'ebifaananyi, ezikwata ku Mapeera ne Amansi. Omukolo gwaggwa bulungi era tuyozayoza nnyo ab'ettabi lya MAB-PRO ab'e Kitebi abalaga obuzira ne balemerako omukolo ogwo negutasazibwamu. Mwebale nnyo okuba abavumu nga bajjajjaffe mu kukkiriza! (NB: Akatambi ka Fr. Gerald kasangibwa mu ofiisi yaffe e Nabunnya ku Shs. 10,000/=)

Bugoma (Ssese) kya kukulakulanyizibwa

Ekifo kino kati essaza ly'e Masaka gye balamaga buli mwaka nga bajjukira olunaku Mapeera ne Amansi lwe basulawo mu 1879 nga bagenda e Lubaga okusisinkana Kabaka Muteesa, n'omwaka guno balamagayo ku Sunday nga 15 February 2016. Mu nteekateeka z'omwaka guno, abakulembeze ba gavumenti y'ekitundu awamu n'ab'e Kelezia baategeeza nti enteekateeka zigenda mu maaso okukulakulanya ekifo kino kibe eky'obulambuzi n'okulamagamu. Enteekateeka zino tuzisanyukidde nnyo era tuzisabire n'okuziwagira zongere okumanyisa n'okwagazisa bajjajjaffe abo n'omulimu ogw'abaleete mu ggwanga lyaffe. Era tetwerabira Omwami wa Kabaka, Ssekalaala, eyayaniriza abaminsani bano n'oluvannyuma n'awa Eklezia ekifo kino ate naye yennyini n'abatazibwa erya Leo okujjukira Bp. Leo Livinyake eyatandikawo ekifo ky'e Bugoma mu 1889 oluvannyuma ne kisengulwa ne kitwalibwa e Bumangi.

Aba MAB-PRO baakuza olunaku lwabwe e Nabulagala

Ab'ekibiina kya MAB-PRO baakuza olunaku lwabwe ku Sunday nga 6 March 2016 e Nabulagala ku Bujjajja bw'Obukatoliki. Olunaku olwo era lwe gyawera emyaka etaano bukya ebisigala bya Bajjajjaffe mu kukkiriza biganzikibwa mu kifo kino mu 2011. Missa yakulemberwa Rev. Fr. Ronald Mubiru okuva mu kifo ky'e Wakiso. Omukulu ono yasaba bamemba babeere bazira mu mulimu gwe baliko era n'abajjukiza olugero lwa bajjajjaffe olugamba nti: 'Ngabo nzira okugirabira ku biwundu.' Bamemba abeetaba mu kujjaguza kuno okuva mu matabi agatali gamu baassuka mu makumi ana era nga bafuna n'omusomo ku bigendererwa by'ekibiina n'emirimu gyakyo. Twebaza abaateekateeka obulungi omukolo gwaffe awamu n'Omukulu w'ekifo, Rev. Fr. Koffi Antonio, olw'obuwagizi.

Emyaka 25 bukya Omuteerabirwa Kalidinaali Nsubuga atuva ku maaso

Omwaka guno nga 20 April lwe gyawera emyaka abiri mw'etaano bukya Emmanuel Kalidinaali Kiwanuka Nsubuga atuva ku maaso. Ekitambiro kya Missa eky'okumusabira kyali Nalukolongo mu Mapeera Bakateyamba Home era ng'eyakikulemberamu yali

Omutiibwa Emmanuel Kalidinaali Wamala. Aba kwaaya ya St. Mbaaga Seminary be bakulembera ennyimba mu Missa eno. Mu kuyigiriza kwe Kalidinaali Wamala essira yasinga kulissa ku Seminariyo ya St. Mbaaga anti nga nayo kati eweza emyaka amakumi ana (40) bukya Omugenzi agitandikawo mu 'bulumi ne mu maziga' mu mbeera ey'okuwakanyizibwa nga bangi beebuuza nti basaseredooti ba kika ki abalifuluma mu Seminariyo eyo! Kalidinaali yategeeza nti Omugenzi ekikulu kye yali ayagala okuva mu Seminariyo eno be "Balyooyi b'emyoyo", era n'awunziika ng'akuutirira abo bonna abayise mu Seminariyo eno n'abagirimu kati n'abalijjijjamu mu maaso okubeera ekyo kyokka, Abalyooyi b'emyoyo abatalebera, baleme kuswaza Mugenzi Kalidinaali Nsubuga. Twongera okwebaza Omugenzi olw'okwagala kwe yayagalamu ennyo abaminsani abasaale naddala Mapeera n'Amansi n'okuba nti yateekawo ebijjukizo byabwe kwe tubajjuukirira! Ggwe wamma asaanye okuyitibwa "Muteerabirwa" anti nga naye yennyini mu bigambo ne mu bikolwa teyerabira buvo bwaffe ng'Abakatoliki!

***

Mapeera and Amans Youth Beatification Promoters

Ab'Ekibiina kya MAB-PRO betondamu ekiwayi eky'abavubuka, Mapeera and Amans Youth Beatification Promoters (MAB-PRO), nga erimu ku makubo ag'okutuukiriza ebigendererwa byabwe. Abavubuka bano baatuuza olukiiko lwabwe olusooka olubagatta nga 17 April 2016 ku Senta e Nabunnya. Ekiwayi kino kirimu abavubuka abeewaayo okuwereza Katonda naddala okumanyisa Mapeera ne Amansi mu bavubuka bannaabwe era n'okulaba nga balangibwa mu lubu lw'abeesiimi nga bakulu baabwe aba MAB-PRO bwe bakola. Abavubuka bano beetegefu okutalaaga parishes n'amasomero ag'enjawulo wamu n'okukola emirimu emirala eginaaba gyetagisa. Tusaba buli muvubuka yenna eyandyagadde okuyambako mu mulimu guno okutwegattako. Tukungaana buli Sunday esooka n'ey'Okusatu mu mwezi e Nabunnya. Okumanya ebisingawo yogerako ne Sr. Boniconsilii (Tel. 0392001448 oba 0704466218) oba n'omuseminariyo Kalanzi Taddeo (0751186387 oba 0730051548). Omukama abakuume!

Kalanzi Taddeo (Ssentebbe)

****

Ttiimu ya MAB-PRO baatalaaga ebifo bino

Mu bbanga lino okuva lwe twafulumya akatabo kaffe akaasemba, ttiimu ya MAB-PRO etalaaze mu bifo bino: Ggaba, Kitagobwa, Kigungu, Lubaga, Namayumba Holy Family Parish ne Kiyinda-Mityana Cathedral Parish.

Twebaza abakulu b'ebifo bino okutuwa omukisa okukyala mu bifo bino n'okwogera eri abakristu. Twebaza abakristu abalaga obwagazi eri ekibiina kino n'abamu ne bewandiisa mwabo abanayongera okuyigirizibwa ku bikikwatako basobole okufuuka bamemba abajjuvu.

Gye tukomye okutalaaga mu bifo bino gye tukomye okulaba obwetaavu bw'okumanyisa bakristu bannaffe ebyafaayo by'Eklezia yaffe mu Uganda ate era n'okutegeera nti 'okumanya tetukoma'!

***

Ebbaluwa y'Omugenzi Bishop Paul Kalanda

Mu katabo kaffe No. 4., twabategeeza nti Omugenzi Bishop Kalanda yali mukwano gwa MAB-PRO era nga musomi w'akatabo kaffe kano. Bishop Kalanda yawandikira Fr. Nnyombi ebbaluwa nga 12 July 2015 ate n'afa nga 19 August 2015. Ebbaluwa eno yagiwereza kuyita mu posta office naye Fr. Nnyombi okugifuna nga Bishop yafa dda anti yamutuukako nga 5 January 2016!

Dear Fr. Richard

Nnebaza nnya Akatabo kaffe, Eddoboozi lya Mapeera, ka No. 3 June-August, 2015 n'ako akakulembera. Mulimu bingi bye nnali simanyi, era kannyumira nnyo. Webale nnyo okwongera okututangaaza ku ebyo ebikwata ku Bazira baffe abo, Mapeera ne Amansi; ate ggwe wamma ne ku baana babwe, Abajulizi baffe aba Uganda abazira. Nze nsaba nnyo naffe baganda babwe, abaabagoberera ne tusenga Kristu, tubeere bazira nga bbo.

Nammwe ba White Fathers, mwebale kukkiriza okujja awo e Namugongo, okukakkalabirizaawo emirimo gyammwe, mwongere okunyweeza Eddiini, n'okulwana wamu n'abaana bammwe mu Ddiini, ba MAB-PRO, naffe ffenna, okusaba Mapeera ne Amansi balangibwe mu lubu lw'Abesiimi ne mu lubu lw'Abatuukirivu nga bwe kyakolebwa ku baana babwe Abajulizi be baasomesa.

Nsaba Abajulizi abo, Karoli Lwanga ne banne babasabire omulimo gwammwe omulungi, ogubatutte okukola e Namugongo, Omukama aguyiweko emikisa gye.

+Paulo L. Kalanda, Omusumba Omuwummuze ow'e Fort Portal, 12 July 2015

****

MISSA YA MAPEERA NE AMANSI

- **BBIINA**: Buli lwa 17 olw'omwezi essaawa 1.00 eyo kumakya
- **KITEBI**: Buli Lwakuna ne 17 olw'omwezi essaawa 11.30 ez'akawungeezi.
- **NABULAGALA**: Buli lwa 17 olw'omwezi essaawa 12.00 ez'akawungeezi
- **NTINDA**: Buli lwa 17 olw'omwezi essaawa 1.00 eyo kumakya.
- **Mapeera**-Nabunnya-Centre: Buli lwa 12 olw'omwezi essaawa 12.00 ez'akawungeezi

***

EKYOTO KYA MAB-PRO MU MATABI

Mu matabi gaffe agamu nga Bbiina, Nabulagala, Kitebi ne walala, watandikibwawo ensisinkano ey'okwongera okumanya ebikwata ku kibiina kyaffe n'ebyo bye tulina okukola tusobole okutuuka ku biruubirirwa byaffe. Ensisinkano eno yatuumibwa 'EKYOTO'. Oluvanyumma lw'okukubaganya ebirowoozo mu Lukiiko olufuzi olwa MAB-PRO, kyasalibwawo nti Ekyoto kino wonna mu matabi gaffe tube n'enkola emu mu kukitambuza era nga yeno:

- Obuwanvu bw'Olukiiko luno tebussukenga ssaawa emu n'ekitundu.
- Luggulwengawo n'Oluyimba lwa Mapeera ne Amansi
- Kuddengako okwanjula ensoga eyateekeddwateekeddwa ekwata ku kibiina n'okugyikubaganyako ebirowoozo
- Tufune amawulire Agafa mu kibiina
- Tumalirize n' Essaala ey'okusaba Mapeera ne Amansi balangibwe mu lubu lw'abeesiimi n'ey'okwesingira Nnyaffe Bikira Maria ow'e Nabulagala.

5. EBIJJA MU MAASO

- Novena y'Abajulizi ba Uganda: 25 May – 2 June 2016
- Okulamaga e Munyonyo: 26 May 2016
- Okulamaga e Namugongo: 3 June 2016. Omulamwa gw'omwaka guno gugamba nti: "Amazima galibafuula ab'eddembe". (Yo. 8: 32). Ab'Essaza ly'e Kiyinda Mityana be banakulemberamu.
- Okulamaga e Nabulagala: Lwamukaaga 25 June 2016 nga tujaguza emyaka 137 bukya Missa Embereberye essomwa mu Uganda. Omulamwa gw'Olunaku: "Ebitundu bingi naye omubiri gumu" (1 Korinti 12: 20)
- Nga 2 July tulijjukira emyaka 137 bukya Abaminsani abasaale basingira Uganda Nnyaffe Bikira Maria nga kino kyali Nabulagala.
- Nga 3 July tujjukira amazaalibwa ga Frera Amasi (1852)

***

6. AMASOMO MU MISSA EYA 12 MAY 2016

ESSOMO 1

Guma, olinjulira ne mu Roma.

Bye tusoma mu Kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume.(22, 30; 23, 6 -11)
Mu nnaku ezo, Omukulu w'Abaserikale yayagala okumanyira ddala ensonga Abayudaaya kwe basinziira okuvunaana Paulo n'amuteeka mu maaso gaabwe.

Abaali mu lukiiko Paulo n'abasimba amaaso, n'agamba nti: Basajja baganda bange, nze okutuusa kampegaano, nnayisaga mu maaso ga Katonda n'omwoyo omulungi ddala. Awo Anania omukulu w'abasosorooti n'alagira abaamuli okumpi okumukuba emimwa. Paulo n'amugamba, nti: Naawe Katonda alikukuba, ggwe ekisenge ekimaale n'ennoni. Otudde okunnamula ng'osinziira mu mateeka, ate n'olagira okunkuba, sso ng'amateeka gakigaana. Abaali awo ne bagamba nti: Ggwe ovuma omusosorooti wa Katonda omukulu? Paulo n'abagamba nti: Baganda bange mbadde simanyi nga ye mukulu w'abasosorooti. Kuba kyawandiikibwa nti: Omukulu w'eggwanga lyo tomuvumanga.

Paulo bwe yategeera ng'ekitundu ekimu kya Basadukaayo ate ekirala kya Bafarisaayo n'ayogera n'eddoboozi ddene mu lukiiko, nti: Basajja baganda bange, nze ndi Mufarisaayo, omwana w'Abafarisaayo: okusuubira mu kuzuukira kw'abafu, gwe musango gwe nvunaanibwa. Bwe yasirisa ebyo, ne wasituka empaka mu Bafarisaayo ne mu Basadukaayo; ekibiina ne kyesalamu. Kubanga Abasadukaayo bagamba nti:Siwali kuzuukira newandibadde malayika, newandibadde omwoyo; sso ng'Abafarisaayo bakkiriza byombi. Ne wabaawo oluyoogano lunene. Abamu ku Bafarisaayo ne bayimirira, ne bawakana nga bagamba nti: Situlaba kabi ku muntu ono; oba oli awo mwoyo gwe gumubuulidde, oba malayika. Empaka bwe zeeyongera, omukulu w'abaserikale n'atya nti: Si kulwa nga Paulo bamutaagulataagula. N'alagira abaserikale okukka, okumubaggyako, bamuyingize mu kigo.

Mu kiro ekyaddirira, Omukama n'ayimirira w'ali n'amugamba nti: Guma; kubanga bw'onjulidde mu Yeruzalimu, bw'olinjulira ne mu Roma.

Ebyo Omukama y'abyogera.

OLUYIMBA OLW'OKWEBUULIRIRA
Zab. 16,1-2a+5, 7-8, 9-10, 11.

EKiddibwamu: *Ayi Mukama, nkuuma, kubanga nzirukidde gy'oli.*

Ayi Katonda, nkuuma, kubanga nzirukidde gy'oli, ngamba Omukama nti: Ggwe Mukama wange. Omukama kye kitundu ky'obusika bwange n'ekikompe kyange. Wekka ggwe okutte omugabo gwange. **Ekidd**. Ngulumiza Omukama kuba yansalira amagezi, nnandibadde mu kiro, Omutima gwange gwennyini guliwummula mu ddembe. Omukama gwe nzisa awo mu maaso gange bulijjo, kubanga andi wano ku ddyo, sijja kunyeenya. **Ekidd**.

Omutima gwange kye guva gusanyuka, n'omwoyo gwange ne gujaguza, n'omubiri gwange gwennyini guliwummula mu ddembe. Kubanga omwoyo gwange toliguleka magombe, tolireka mutuukirivu wo kuvunda. **Ekidd**.

Olindaga ekkubo ery'obulamu, n'ompa essanyu eringi ennyo mu maaso go. Ebisanyusa bikuli ku ddyo emirembe gyonna. **Ekkid**.

OKWANIRIZA EVANJIRI

Alleluya. Oba mwazuukira ne kristu, mufe ku bya waggulu, eyo kristu gy'ali ng'atudde ku gwa ddyo ogwa Katonda. **Alleluya**.

EVANJILI

Babeerere ddala kimu.

Ebigambo by'Evanjiri ya Mukama waffe Yezu ebivudde mu Yowanna. (17,20-26)

Mu budde buli, Yezu yayimusa amaaso waggulu ne yeegayirira nti: Sisabira abo bokka, naye nsabira n'abalinzikiriza ku lw'ebigambo bya bano; bonna balyoke babeere kimu, nga ggwe Kitange bw'oli mu nze nange mu ggwe, nabo mu ffe babeere kimu, ensi ekkirize nga ggwe wantuma! **Ekitiibwa kye wampa nange nkibawadde, balyoke babeerere ddala kimu nga ffe bwe tuli ekimu**. Nze mu bo naawe mu nze: bafuukire ddala kimu, ensi etegeere nga ggwe wantuma ate nga wabaagala, nga nze bwe wanjagala. Kitange , be wampa, njagala we ndi, nabo we baba babeera, balabe ekitiibwa kyange kye wampa kubanga wanjagala nga n'ensi tennatondebwa. Kitange Omutuukirivu, ensi tiyakumanya: nze nkumanyi, na bano bategeera nga ggwe wantuma. Nnabamanyisa erinnya lyo, era nja kwongera okulimanyisa, okwagala kwe wanjagalamu kubabeeremu, nange mbe mu bo.

Ebyo Omukama y'abyogera

ESSAALA Y'OMUKRISTU

* **A**yi Katonda waffe omulungi era ow'ekisa, tukwebaza olw'abakulembeze b'otuwa mu Eklezia Katolika, abatulambika ne batulyoowa emyoyo. Ttubakukwasa mungeri ey'enjawulo, nga tusokera ku Paapa n'abo bonna abamuyambako ku mulimu guno. Basindikire mwoyo wo abatangaze mu byonna bye bakola, babeere kimu n'Abakristu era n'abenzikiriza endala zonna bwe batyo basobole okwaaza ekitiibwa kyo n'okubunyisa obwakabaka bwo wonnna.

* **T**aata owekisa, tukusitulira abakulembeze b'amawanga, naddala lino eryaffe erya Uganda, bawe omutima ogw'okwagalana n'okwagala abo be bakulembera, babeere kimu bwe batyo basobole okukulakulanya ensi yaffe mu by'omyoyo n'omubiri.

* **K**ristu omuzukivu, tukwebaza olw'ekirabo ky'abaminsani mu nsi yaffe eno Uganda, naddala Pere Mapeera ne Bro Amans. Tukwebaza olwa Ofiisi yaffe eno n'ekifo kino okutwalira awamu. Tukusaba, yongera okutufunira abayambi batuyambe okukulakulana, abantu bangi bajje mu kifo kino nga batendereza erinnya lyo, obukristu bweyongere okwaala mu Uganda yonna.

* **M**u ngeri ey'enjawulo, Mukama tukusaba osindike Mwoyo Mutuukirivu ayambe abakristu beyongere okusaba Mapeera ne Bro Amansi, okole ebyewuunyo bingi ng'oyita mu buwolereza bwaabwe, ekyo kibayambe okusobola okulangibwa mu lubu lw'abesiimi n'abatuukirivu.

* **M**ukama, tukuletera abalwadde, abasibe, abayala,abatalina we basula, ababonabona, n'abo abatalina mirembe mu mitima gyaabwe ne mumaka gaabwe, leka Mwoyo wo gwe tulindirira ku lunaku lwa Pentikoti, abaafuukire ekikubagizo.

* **N**affe ffenna abeggase mu Kitambiro kino Ekitukuvu, tuwe Mwoyo wo atuyambenga bulijjo okussanga ekimu mu byonna bye tukola,n'okunywerera ku ndagaano za batismu yaffe tusobole okuwesa erinnya lyo ekitiibwa.

* **B**aganda baffe abaatuva ku maaso, tubakukwasa oba okyalina ky'obabanja tukusaba beera wakisa gyebali obatuweere ekiwummulo eky'emirembe mu ggulu.

OKULAMAGA – OKULAMAGA

Senta yaffe eteekateeka okulamaga mu bifo bino: Kigungu, Nabulagala, Nalukolongo, Kitebi, Lubaga, Nabunnya, Munyonyo, Jjugula ewa Yowanna Maria Muzeeyi; Kazo ewa Kalala Nalumansi; Old Kampala ewa Matia Mulumba; Nakivubo ewa Yozefu Mukasa Balikuddembe ne Atanasi Bazzekuketta; Lubawo ewa Gonzaga Gonza ne Namugongo.

Bonna abandyagadde okulamaga nga Parish oba ng'essomero oba ng'ekibiina ekirala kyonna mu bimu ku bifo bino mujje tubakolere entegeka nga bwe mwagala. Muyinza okuba ku simu zino okumanya ebisingawo: 0392001448 (Ofiisi) oba 0772.577.564 (Fr. Ddamba Emmanuel)

***

7. AMAWULIRE MU BIFAANANYI

Kigungu-2016

Kigungu-2016

Kigungu-2016

Mapeera-Nabunnya Kuggulawo

Mapeera-Nabunnya Kuggulawo

Mapeera-Nabunnya Kuggulawo

Mapeera-Nabunnya Kuggulawo

Mapeera-Nabunnya Kuggulawo

Mapeera-Nabunnya Kuggulawo